**7TH/02/2021**

## 1 ABASESSALONIKA 1 - ABALINDIRIRA YESU KRISTO BALINA KUBA BYAKULABIRAKO

Ekibuga kino ekya Sessalonika olwaleero kiyitibwa Salonika nga kiri ku kkubo erimanyiddwa ng'ekkubo ly'amagye (**The Great Military Highway**) okuva mu Italy ng'odda mu bugwanjuba.

Ekibuga kino kyalimu Abayudaaya abawerako wamu n'Abayonaani mu biro Pawulo omutume we yatuukirayo okubuulira Engiri.

Pawulo yamalayo akabanga ka ssande nga ssatu (**3 weeks**) mu kitundu kino naakivaamu olw'okuwakanyizibwa okungi kweyasisinkana naye yaleka atantandise Ekkanisa ey'amaanyi n'Abayudaaya wamu n'Abayonaani abakkiriza enjiri ya Kristo Yesu.

**Ebikolwabyabatume 17:1-9 -** ***Awo ne batambula ne bayita mu bibuga Anfipoli ne***
***Apolooniya ne batuuka e Sessaloniika, omwali ekkuŋŋaaniro***
***ly'Abayudaaya. 2 Pawulo, ng'empisa ye bwe yali, n'agenda n'ababuuliranga***
***ekigambo kya Katonda okuva mu byawandiikibwa, ku buli lwa Ssabbiiti okumala***
***Ssabbiiti ssatu. 3 N'abannyonnyola era n'abalaga nga bwe kyali kyetaagisa Kristo***
***okubonaabona n'okuzuukira mu bafu, era nti, "Oyo ye Kristo Yesu gwe***
***mbabuulira." 4 Abamu ku Bayudaaya abaamuwuliriza ne bakkiriza ne beegatta ku***
***Pawulo ne Siira; era n'Abayonaani bangi abatya Katonda awamu n'abakazi bangi***
***ab'ekitiibwa mu kibuga ekyo.***

***5 Naye Abayudaaya ne bakwatibwa obuggya, ne bagenda nga bafukuutirira***
***abantu ab'empisa embi ne babaggya mu nguudo z'omu kibuga ne mu katale, ne***
***batandikawo akasasamalo mu kibuga. Ne balumbagana amaka ga Yasooni nga***
***banoonyaamu Pawulo ne Siira babatwale mu kibiina ky'abantu. 6 Bwe***
***baababulwa, kwe kukwata Yasooni n'abooluganda abamu ne babaleeta mu***
***maaso g'abakulu b'ekibuga, nga bwe baleekaana nti, "Pawulo ne Siira***
***batabuddetabudde ebifo ebirala mu nsi yonna, ne kaakano bazze wano***
***batabuletabule ekibuga kyaffe, 7 era Yasooni oyo y'abaaniriza mu maka ge. Bano***
***bonna bazizza omusango ogw'okuseeketerera eggwanga ne bamenya amateeka***
***ga Kayisaali nga bayimbirira kabaka omulala Yesu." 8 Ekibiina n'abakulu***
***b'ekibuga bwe baawulira ebintu ebyo ne basasamala. 9 Bwe baamala okusasuza***
***Yasooni ne banne omutango, ne babaleka ne bagenda***

Ebbaluwa eno yawandiikibwa mu kitundu ky'emyaka **49AD-50AD** era nga yawandiikibwa Pawulo omutume ng'asinziira mu Kolinso. Era eteeberezebwa okuba nga y'ebbaluwa Pawulo gye yasooka okuwandiika *mu bbaluwaze zonna.*

*Omulamwa omukkulu mu bbaluwa* eno guli **"Essuubi Ery'omumaaso Ery'okudda Kwa Kristo."**;- ***(Future Hope Of The Return Of Christ)***

**Vs1** Pawulo omutume, Sirwano (Siira), ne Timoseewo baawandiikira abakkiriza mu Sessalonika.

Ng'okulamusa okusinga bwe kuli mu bbaluwa za Pawulo ezisinga obungi, ne bano babaagaliza ekisa n'emirembe bibe gye bali.

**<u>1Timoseewo 1:2</u> - *nkuwandiikira ggwe Timoseewo, omwana wange ddala mu kukkiriza. Nkwagaliza ekisa n'okusaasira, n'emirembe, ebiva eri Katonda Kitaffe ne Yesu Kristo Mukama waffe.***

**<u>2Timoseewo 1:2</u> - *nkuwandiikira ggwe Timoseewo omwana wange omwagalwa, nga nkwagaliza ekisa n'okusaasirwa, n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Kristo Yesu Mukama waffe.***

**<u>Abakkolosayi 1:2</u> - *tuwandiikira abantu ba Katonda, abatukuvu era abooluganda abeesigwa mu Kristo ab'e Kkolosaayi, nti ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe bibeerenga nammwe.***

**<u>Abafiripi 1:2</u> - *ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo, bibeerenga nammwe*.**

**<u>Abaefeso 1:2</u> - *Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe.***

**<u>Abaggalatiya 1:3</u> – *nga tugamba nti ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe n'eri Mukama waffe Yesu Kristo bibeerenga nammwe;***

Bwe twetegereza ennamusa eno buli weeri ekisa kiwerekerwa emirembe kubanga teri asobola kufuna mirembe egyannamaddala ewatali kisa kya Katonda.

Ekisa kwe kuganja okutali kukolerere okuweebwa Mukama Katonda olw'okukkiriza eri abantu be ate olwo emirembe gy'okumanya nti tufunye okisa ekiva eri Katonda ne tufuna obuteefu mu mitima gyaffe.

Bwe tufuna ekisa kya Katonda tufuna emirembe gye egiteesa emeeme zaffe n'emumbeera ez'obutabanguko.

**Vs2-4 Ebirungi ku Basessalonika**

Abawandiisi b'ebbaluwa eno basiima Mukama buli lunaku ku lw'abakkiriza bano, okubayimusa eri Mukama obutayosa.

Tebeerabira kukkiriza kwabwe wamu n'okwagala era n'essuubi lye baalina mu kulindirira Mukama waffe Yesu Kristo.

Baabazzaamu amaanyi nga babajjukiza nti Katonda abaagala nnyo era nti baali balonde be.

Mu mbeera nga bwe yali mu biro ebyo omwali okuwakanyizibwa, okuyigganyizibwa, okusinza ba katonda abalala, abantu kyali kya mugaso nnyo abooluganda bano okumanya nti waaliwo abantu n'okusingiraddala abaaweereza Engiri gye bali nti babasabira.

Era ng'ensi yonna abakyukidde kyali kya mugaso nnyo okumanya nti Katonda abaagala era nti ne mumbeera ng'ezo bakyali balondebe.

- Kitugwanira ffe ng'abaweereza okufuna akadde bulijjo okunyumya ne Katonda ne tumwebaza olw'obulamu bw'abakkiriza mu buweereza bwaffe ewatali ku basosola.
- Tuyige okusabiragananga obutayosa kubanga eby'etaago n'obulumbaganyi eri abooluganda bingi naye bwetusabiragana tuba n'essuubi nti Mukama abikolako okubalokola mu byonna.
- Buli ekikwatagana n'obulamu bwaffe kirina okuzimbibwa  ku kukkiriza okuleetebwa engeri gye tumanyiimu Katonda.

**1 Abakkolinso 13**

- Okwagala kwaffe kulina okubeera enkola etali yaabuwaze eri buli mukkiriza kubanga Katonda akolera mu ffe kwagala ekireetera ne bye tukola okulabikiramu okwagala okwo.
- Buli omu kuffe alina okuba n'essuubi era n'obugumiikiriza mu Kristo Yesu. Buli kye twetaaga Katonda okutukolera twetaaga okuba n'essuubi awamu n'okugumiikiriza.
- Ekisinga byonna mu ssuubi n'okugumiikiriza  kwe kudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Ekituleetera okuba ab'etaaga essuubi kwe kuba nti tetulina kye tusaba Katonda ne tukipapya okubaawo era olwokubanga bwekiba bwekityo kyetuva tuba n'essuubi n'okugumiikiriza.
- Era naffe tujjukire nti Katonda atumanyi era tuli balondebe n'olwekyo tuleme kwekubagiza. Yatulonda lwa kisa kye kale ng'era mu kisaakye ajja kutuwanirira mu buli kimu.

**Vs5-8 Eby'okulabirako ebikyusa abalala**

Amawulire ga Yesu Kristo gaatuuka eri Abasessalonika mu bigambo ebinnyonnyolwa awatali kubuusabuusa era n'ebikolwa ebiraga amaanyi ga Mwoyo wa Katonda ajulira Enjiri.

A. Ababuulizi b'ennyini baalina obulamu obw'enjawulo era obwayongera obukakafu bw'okukyusibwa kw'Enjiri gye baabuulira. Abakkiriza bano baalabira ku baweereza era ne babakoppa mu kugoberera Mukama.

Enjiri ebuulirwa eri mu bigambo ebiva mu kigambo kya Katonda era ewerekerwa amaanyi. Bangi basoosa amaanyi era bafuba okunoonya amaanyi ne beerabira ekigambo ekiwerekerwa amaanyi.

**<u>Abaruumi 1:16</u> - *Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga.***

Enjiri ebuulurwa erina obukakafu bwayo era obukakafu buno sibwakuyimbirira wabula bulabika kubanga bwe tugibuulira mu mazima gaayo nga bw'eri amazima gatutuusa ku bukakafu.

**<u>Lukka 1:1-4</u> - *Abantu bangi bagezezzaako okuwandiika ebyafaayo ebyatuukirizibwa mu ffe, [2] ng'abo abaasooka edda bwe baabitubuulira, nga be baali abajulirwa era abaweereza b'Ekigambo okuviira ddala ku lubereberye. [3] Bwe ntyo bwe mmaze okukakasiza ddala buli kintu n'obwegendereza okuva ku by'olubereberye okutuukira ddala ku byasembayo, ne ndaba nga kirungi okukuwandiikira ggwe Teefiro ow'ekitiibwa ennyo, ndyoke mbikuwandiikire nga bwe byaliraanagana. [4] Olyoke omanye amazima g'ebyo bye wayigirizibwa.***

- Obukakafu bw'enjiri tebukoma ku ntaana njereere, abalema abatambula, okutuukirizibwa kw'obunnabbi, naye n'obulamu obw'enjawulo obw'abo abagibuulira.
- Oluvannyuma lw'okulokolebwa kwaffe obulamu bwe tulina si bwaffe, bwa Mukama waffe Yesu Kristo kale nga nabwo abukozesa ng'obujulizi okulokola abalala; tuwuubibwa nga bendera mu mukono gw'omulokozi.
- Tuli abaweereza abalabirwako abakkiriza mu kugoberera Mukama waffe Yesu Kristo oba abatugoberera bakoma ku ffe nga ffe tubasiikiriza okulaba Kristo?
- Ate ffe tulinayo abantu be tulabirako mu kugoberera Yesu?
- Tusabe Mukama atufuule era atuwe abantu abo.

**<u>1 Abakkolinso 11:1</u> - *Mundabireko nga nange bwe ndabira ku Kristo.***

**<u>Abafiripi 3:17</u> - *Kale, aboluganda, mwegatte n'abo abangoberera era mugobererenga abo abatambulira mu ebyo bye twabalaga.***

**<u>1 Peetero 5:3</u> - *Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi.***

Abakkiriza b'omu Sessalonika bakkiriza Enjiri mu kiseera eky'okuwakanyizibwa n'okuyigganyizibwa kw'ababuulizi era n'abakkiriza okutwalira awamu naye ne mu mbeera bwetyo baalina essanyu eriva mu Mwoyo Omutukuvu mu myoyo gyabwe;

Tusabe Mukama atuwe essanyu ne mu mbeera ezitasanyusa.

**<u>Ebikolwabyabatume 5:40-41</u> - *Abatume ne bayitibwa, bwe baamala okukubibwa ne balabulwa obutaddayo kwogera mu linnya lya Yesu, ne babata. [41] Abatume ne bava mu Lukiiko nga basanyuka kubanga baasaanyizibwa okukwatibwa ensonyi n'okubonaabona olw'Erinnya.***

B. Abakkiriza ba Sessalonika nabo bafuuka obujulizi obulabwako era nabo baafuuka eby'okulabirako mu kitundu kyabwe n'okusukkawo kubanga baalina eby'okulabirako by'abaweereza.

Kino kyaleetera Enjiri ey'obulokozi okubuulirwa n'esaasaana ne mu bitundu ebirala.

Bwetuba n'eby'okulabirako mu lugendo luno olw'obulokozi naffe Katonda atufuula eby'okulabirako eri abalala olwo ne tukola olujegere lw'obujulizi bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

**Vs9-10 Essuubi Ery'omyoyo**

Abantu b'ebitundu ebyali biriraanye Abasessalonika baali bajulirwa ku lw'abwe nga muno mwalimu n'okujulira engeri abakkiriza gyebaaleka okusinza ba katonda abalala ne basinza Katonda owa'amazima.

Kimanyiddwa nti ekitundu kino kyalimu Abayonaani abaalina enkumuliitu yabakatonda era nga kitulagiddwa nti bano baaleka bakatonda abo ne abasinza Katonda ow'amazima.

Mukyusibwa kwabwe mwalimu n'okulindirira okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Bwe tujja eri Yesu Kristo ffe ffenyini tulaba enkyukakyuka mu bulamu bwaffe naye n'abo abatusemberera basobola okulaba nga tulina obulamu obw'enjawulo.

**<u>Okubikkulirwa 12:11</u> - *Ne bamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'Endiga, n'olw'ekigambo eky'obujulirwa bwabwe, ne bawaayo obulamu bwabwe nga tebatya na kufa.***

- Ebibala by'okukyusibwa kwaffe sibyakyama wabula birabwako buli alina amaaso ag'amazima.

- Tulina bujulizi ki eri abaatulabanga nga tetunnalokoka? Ye ffe tujulira ki ku b'oluganda?
- Ekirala tetulina kwerabira nti tuli mu biro nga tulindirira Mukama waffe okudda okutwala Ekkanisa yeera ng'ebigenda mu maaso byonna mu by'enfuna, eby'obufuzi, eby'obulamu, eby'Ekkanisa ebisanyusa n'ebitasanyusa bireme kutwerabiza mazima gano era okujjukiza kuno kubeere essuubi eritugumya.
- Okulindirira Kristo kutuleetera okwetereeza n'okwongera okunyweza okukkiriza kwaffe kubanga ye tatutwlira we twagalira wabula ye w'ayagalira.

Mukama Katonda mwesigwa mu buli mbeera okutuwa kyetwetaaga okugiyiytamu era okutufuula eby'okulabirako ebikozesebwa okukyusa obulamu bw'abalala.

Ate era tuleme kwerabira essuubi eddamu lyetulina mu kudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Oba oli awo olw'ebyo byetuyitamu tulowooza aludde naye ye akyali mu budde bwe okusinziira ku kalenda y'eggulu era nga mukiseera ekituufu tajja kulwa.